# Ebirungo ebiteekeddwa mu mwoleso gwa Harvest Money ogw'omulundi gw'ekkumi

Bya HERBERT MUSOKE

OMWOLESO gwa Harvest Money Expo ogwafuuka supamaketi y'amagezi g'okulima n'okulunda ogw'omwaka guno gugenda kubeera musuffu ng'entanda okuli ekibya.

Gugenda kubeera mulundi gwa 10 nga Vision group etwala ne *Bukedde* etegeka omwoleso okukung'aanya buli aliko ky'akola mu bulimi n'obulunzi mu ngeri ya bizinensi okugabana n'okumanya engeri y'okuddukanya ffaamu zaabwe mu ngeri ebawa amagoba.

Vision group yeetegese omwoleso guno ng'eri wamu n'ekitebe kya Budaaki mu Uganda ne gussibwamu ssente kkampuni ya Engineering Solutions Ltd (ENGSOL), Agricultural Business Initiative (aBi), Tunga Nutrition abakola Hendrix, Peral bank, Uganda Development Cooperation (UDC) ne Heifer International nga gwakubeera ku kisaawe e Kololo okutandika ku Lwokutaako nga February 27 okutuuka ku Sande nga March 01, 2026.

Don Wanyama akulira vision group bwe yabadde ayogera ku mukolo gw'okutongoza omwoleso guno ku ku kitebe kya Vision group mu Kampala yagambye nti okumala ebbanga omwoleso guno gubadde gutegekebwa mu ngeri esinga wabula ku mulundi guno ate kigenda kusukka.

"Omwoleso gwa Harvest Money kimanyiddwa nti gwe gusinga okutegekebwa obulungi, okugasa abaguyingira okwolesa ate n'okusoma kuba mulimu eby'okuyiga n'okwegulira ntoko. Wabula ku mulundi guno, ate kigenda kubeera kusuffu nga tujaguza emyaka 10 nga kkampuni ez'enjawulo ziwa bakasitoma emiwendo egisaliddwaako ku byamaguzi okubasobozesa okufunamu," bw'agamba.


Yagambye nti omwoleso guno gujjudde eby'okuyiga nga wagenda kubeerawo emisomon 27 mu nnaku essatu ez'omwoleso egigenda okukwata ku bintu eby'enjawulo mu kulima n'okulunda ate ng'abagenda okwolesa babeera n'abakugu mu midaala okusomesa ababakyalira.

Med Mwiri kitunzi wa ENGSOL agamba nti bagenda kusala ku tulakita, sipeeya n'obuweereza eri abantu abanaagulira mu nnaku z'omwoleso nga kino kigenda kukolebwa ne ku matabi gaabwe gonna mu ggwanga.

HEBERT MUSOKE




Amyuka omubaka wa Budaaki mu Uganda, Bouwe-Jan Smeding, Ronald Wabwire owa Heifer International, Med Mwiri owa ENGSOL, Don Wanyama akulira Vision group, Julius Akaris owa Pearl bank, Dr. Sam Tayebwa owa Tunga Nutrition, Denis Dokoria owa Uganda Development Cooperation (UDC), Isaac Bauteng owa aBi n'abakozi ba Vision group nga basala keekeokujaguza emyaka 10 egya Harvest Money Expo.



Wanyama



Bouwe-Jan Smeding

"Omwoleso guno gwafuuka essuubi ly'abalimi n'abalunzi okugula ebikozesebwa mu bulimi n'obulunzi ku miwendo egisaliddwaako. Nga tujaguza emyaka 25 nga ENGSOL, tugenda kusala ku tulakita zaffe, sipeeya ate n'obuweereza bw'okukanika tulakita zaffe mu nnaku z'omwoleso era ggwe ayagala okufuna ku bbeeyi esaliddwaako okutuuka ku bitundu 25 ku 100 tosaanidde kusubwa mwoleso guno," bw'agamba.

Omumyuka w'omubaka wa Budaaki mu Uganda Bouwe-Jan Smeding yeebazizza Vision group olw'okutegeka omwoleso guno ate n'abagussaamu ssente ng'agamba nti nga bakoledde wamu basobola okukyusa obulamu bw'abantu bangi mu Uganda.

"Uganda erina obusobozi okubeera ensi eriisa olukalu lw'Afrika singa obuweereza ng'omwoleso gwa Harvest Money by'ongerwamu amaanyi okulaba ng'abalimi n'abalunzi batandika okubikola nga bizinensi nga batunuulira eby'etaagisa okuviira ddala ku ntandikwa," bw'agamba.

Bano basabye okwongera okulowooleza omwoleso guno okufuuka ekintu ekirala ekisobola okukyusa obulimi n'obulunzi mu Uganda okutuuka ne ku mateeka n'enkola ebiyisibwa gavumenti okulungamya obulimi n'obulunzi kisobozese okutuuka ku nkulaakulana eyaayaanirwa.

Okuyingira omwoleso guno, osasula 10,000/- ate okwetaba mu misomo nakwo osasula 10,000/- olunaku Iwonna ng'aboolesa baakubeera n'abakugu okusomesa abanaakyalira emidaala gyabwe ate n'abasomesa abakugu abagenda okubangula abaneetaba mu misomo.